
VIVIEN NAKITENDE

Abamu ku bammemba b'olukiiko. Wakati ye minisita Muyingo.

# Minisita alayizza olukiiko lwa UNEB

Bya VIVIEN NAKITENDE

MINISITA w'ebyenjigiriza Janet Museveni, asabye olukiiko olufuzi lw'ekitongole ky'ebigezo ekya UNEB okubeera n'obwesigwa kuba bye basalwo bikola kinene eri ebyenjigiriza n'eggwanga.

Mu bubaka obwamusomeddwa minisita omubeezi ow'ebyenjigiriza ebya waggulu, Dr. JC Muyingo, Muky. Museveni yayozaayozezza bammemba n'abasa okwekenneenya etteeka lya UNEB kuba lirambika bulungi byonna bye balina okukola.

Abakulembeze 13 ab'olukiiko lwa UNEB olupya abaalayidde kuliko; Polof Celestino Obua ssentebe waalyo, Hajat Zulaika Nabukeera, Juma Mulesa, Dr. Cleophus Mugenyi, Frances Atima, Dr. Bernadette Nambi ne Jeffrey Atwine.

Abalala kuliko; Herbert Mukasa, Beatrice Asimasia Adiru, Harriet Nabusoba Ssebabi, Mohammad Kaaya, Dr. Rose Clarke Nanyonga ne Patrick Kaboyo.